**23rd August 2015.**

# YESU KRISTO,OMUWEERERZA OMWAGAZI ENNYO.

**Yokaana 13.**

Mu kitundu ky'enjiri ya Yokaana kino okuva ku ssuula yaffe eno ey'13 okutuusa ku ye 17, tuyingizibwa mu kiro ekyasembayo Yesu Kristo Mukama waffe kye yalina n'abayigirizwa be, omuli ebigambo bye awamu n'ebikolwa eby'ekusifu eri minywanyi gye era abaagalwa be, bye twaaweebwa naffe Omwoyo Omutukuvu okugabana nabo mu ttuluba lye limu, olw'okukkiriza kwaffe mu kisa n'okwagala kwa Mukama waffe mu ngeri y'emu ng'abatume ba Yesu.

Mu kulaba Yesu Kristo Omuweereza Omwagazi ennyo, ng'omulamwa bwe guli mu ssuula eno, kiba nti kitugwaanidde okuwangulwa okwagala kwe mu buweereza bwe gye tuli, tusikirizibwe okuba nga Yye, - ddala abeeyita Abakristaayo – 'Abalinga Kristo Yesu'……..

*Tusome nny.1 – 17….*
Tulaba mu nnyiriri zino ekikolwa ky'obwetoowaze obusingayo mu buweereza Yesu Kristo bwe ya yoleseza abayigirizwa be obutusaanidde naffe abayigirizwa be kaakano nga bwakiggyayo mu nny.14-17, ky'ensuubira nti n'okuba kyasikirizibwa ekyo bbo kye baali bawakanako nga Lukka 22:24 -27 bwe zigamba nti……..
Tuyigirizibwa nti ekitiibwa ekisingayo kye kiba n'okwagala okusingayo era by'olesebwa n'obuweereza bw'obweetoowaze obusingayo mu bwakabaka bwa Mukama waffe Yesu Kristo ne Katonda Kitaffe.[ Ebitugwanidde… *soma 14-17*].

- Yesu Kristo mu kwagala abayigirizwa be teyeelekereza kyonna, - yeeweerayo ddala gyebali/gyetuli, asobole okutulokolera ddala.( He loved both selflessly and sacrificially).
- Yesu Kristo yayagalanga mu kutegeera, nti atumanyi bulungi nnyo, kyokka atwagala buli omu nga waali, awatali nkenyera olw'ekyo kye tuli…..
- Yesu Kristo yayagalanga era atwagala n'obugumiikiriza awamu n'obusonyiyibwa bw'ensobi zaffe zonna gyaali n'eri abalala………

Kye tulaba n'eri Yuda Isukalyoti, nga bwe lutugererwa mu nny. 18 – 30…*Tusome.* Baba kkimanya, ssikiwa nti Yuda yandifulumye ekisenge ekyo nga mulamu, - ssi ng'ayise ku Peetero……..

Naye bwatyo akuumwa, Mukama mu kwagala n'okuteesa kwe, olwo ne lufaananyizibwa nga bwe kyaali mu Zabb.41:9, " Era ne munnange mukwano gwange nze, gwe nneesiga, eyalyanga ku mmere yange, Ansitulidde ekisinziiro kye." nga Dawudi Kabaka alulojorera, Akisofeeri, naye gwe tumanyi nti yamala ne yeetuga oluvannyuma…

Na bwekityo, nga Yokaana bwalugera…nny 31 - 33….. ekiseera/essaawa yali etuuse nga bwe gwaali mu 12:28, Yesu agulumizibwe mu kufa kwe n'okuzuukira kwe awamu n'okuyimusibwa kwe oluvannyuma ko katono.

Era bwatyo awa ensiibula ye eri abaagalwa be n'ekiragiro ekiggya mu ngeri eddizibbwa obuggya 'fresh' – sso ssi ekipya….lnny.34, 35.
Naye ate nga bwe gwaali eri Peetero, nkiwa nti awatali maanyi ga Mukama mu ffe, tetuusobole kuba na mbala za Mukama mu ffe okuba abayigirizwa be ddala era abajulirwa be abatuufu…….nny. 36 – 38….

N'olw'ekyo kitugwaanidde oweewaayo eri Mukama atusobozese ate okutambulira mu maanyi ge tube nga Yye,- 'Abaweereza abaagazi ennyo'.
Nga bwe twagambiddwa waggulu, nti Mu kulaba Yesu Kristo Omuweereza Omwagazi ennyo,kitugwaanidde okuwangulwa okwagala kwe mu buweereza bwe gye tuli, tusikirizibwe okuba nga Yye, - ddala abeeyita Abakristaayo – 'Abalinga Kristo Yesu'……..